جمعية خدمة المحتوى الإسلامي باللغات

ضيوف الرحمن
hajjumrh.com

# Ekifunze Mumpisa n'amateeka g'okulambula omuzikiti gwa nnabbi

Luganda

لوغندي



ضيوف الرحمن
hajjumrh.com

شركاء التنفيذ :

دار الإسلام
بيان الإسلام
رواد التراجم
المحتوى الإسلامي

يتاح طباعة هذا الإصدار ونشره بأي وسيلة مع الالتزام بالإشارة إلى المصدر وعدم التغيير في النص

Tel : +966 50 244 7000
info@islamiccontent.org
Riyadh 13245-2836
www.islamiccontent.org

Amatendo [amajjuvu] ga Allah omulezi w'ebitonde [byonna], era okusaasira n'emirembe bibeere ku nnabbi waffe Muhammadi, [bibeere] ne ku bantu be ne ba 'swahaaba' be bonna,

## Oluvannyuma lw'ebyo byonna

Nabuno bubaka obufunze (obukwatagana) kumpisa z'okulambula omuzikiti gwa nnabbi n'amateeka ga kwo,tufubye nnyo mu bwo okunnyonyola byeyeetaaga ennyo oyo alambula omuzikiti gwa nnabbi.

Ne Allah gwetusaba abufuule obukoleddwa kululwe yekka,era abeere nga agasa nabwo abasiraamu bonna.

**Akakiiko k'abamanyi mu kitongole ekiweereza ky'ebyo ebikwatagana n'obusiraamu mu nnimi ez'enjawulo**





# Ekifunze Mumpisa n'amateeka g'okulambula omuzikiti gwa nnabbi





1 Kirungi okulambula omuzikiti gwa nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye,era tekuliiko [okulambula] kiseera kigere,era tekuli mu mirimu gya hijja, era tekikakata ku ba hajji ne ba hajjati kulambula ntaana ya nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, yadde limbo (eyitibwa baqi'e).

2 Tekikkirizibwa kusitula migugu na kutambula lugendo lwa kulambula ntaana ya nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, wabula ekyo Kikkirizibwa ku mizikiti esatu gyokka, Nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye yagamba: (Temusitulanga migugu okuggyako nga mugenda eri emizikiti esatu: omuzikiti gwange guno,n'omuzikiti gw'emizizo -ogwe Makkah-,ne masjid al-Aqswa) Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (1189) ne Muslim (827) Naye eno n'enjogera yiye, Oyo ali ewala n'ekibuga Madiina tekimukakatako kutambula ggenda kulambula ntaana , wabula kikkilizibwa jyali okugenda okulambuula omuzikiti gwa Nnabbi ogw'ekitiibwa, bw'agutuukako alambula entaana ye (Nnabbi) okusaasira n'emirembe bibeere kuyye wamu n'entaana za ba swahaaba be, nekuyingira okulambuula entaana ye wansi w'okulambuula omuzigiti gwe okusaasira n'emirembe bibeere kuyye.

Tekiri mu mateeka mukazi kulambula ntaana ya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye oba entaana y'omuntu omulala; kubanga Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yakolimira abakyala abalambula entaana, olw'ebyo ebisuubirwa okubeerawo nga okukuba ebiwoobe, okweyambula n'ebirala ebitakwatagana namateeka ga busiraamu, wabula kirungi gye bali okuyitiriza okusaalira omubaka n'okumutoolera salaamu mu Muziki ti n'ewalala, okumusaalira n'okumutoolera salaamu bimutuukako wonna omukyala w'aba abadde; ku lw'ekigambo ky'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere ku yye: (Temufuulanga mayumba gammwe ntaana, ate temufuulanga ntaana yange kya kuddingana, wabula munsaalirengako kubanga saala zammwe zintuukako wonna wemuba mubadde), Era okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba: Mazima Katonda alina ba Malaika abatambula munsi nga bantuusiza salaamu eziva ku bantu b'ekibiina kyange).

3. Bw'ab'ayingira mu Muzigiti gwa Nnabbi ogw'ekitiibwa kirungi akulembeze okugulu kwe okwa ddyo agambe nti :(Allahumma iftah lii ab-waaba rahmatika) nga bw'ayogera ng'ayingira mu mizikiti emirala.

4. Era tewali zikiri ntongole ya kuyingira Muzigiti gwa Nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye.



5. Oluvannyuma asaala laaka bbiri eza tahiyyatul masjidi (ekiramuso ky'omuzikiti).

6. Bwe kiba kiseera ekitali ekyaziyizibwa okusaaliramu kirungi asaale sunna endala z'aba ayagadde ng'asaala laaka bbiri bbiri; Yagamba omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere kuyye: (Esswala emu mu muzikiti gwange guno esinga esswala lukumi mu mizikiti emirala gwonna okuggyako Omuzikiti gw'emizizo) Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (1190)ne Muslim (1394).

7. Era kigwana afube okusaalira mu Raudha - nga kino kifo ekiri wakati wa Mimbari y'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye n'ekisenge kye- bw'aba asobodde, olwa hadiithi ye okusaasira n'emirembe bibeere kuyye: (Wakati w'ennyumba yange ne Mimbari yange lusuku munsuku ze jjana) Esangibwa mukitabo kya Bukhaari (1195) ne Muslim (1390), Bw'aba tasobodde kukikola, asaalira mu kifo kyonna eky'omuzikiti, wabula kino kibeerawo kusswala etali ya Jama, naye bw'ebeera jama, alina kwekuumira kulunyiriri olusooka oluli okumpi ne Imaamu; Olw'okubuna kw'obujulizi obuli kw'ekyo.



8 Bwaba ayagadde okulambula entaana ya Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye n'entaana za mikwano gye ebiri (Abubakar ne Omaru):




- Ayimirira mumaaso g'entaana ye okusaasira n'emirembe bibeere kuyye n'empisa,n'obukkakamu, n'akakkanya eddoboozi n'amutoolera salaamu (Assalaamu alaika yaa Rasuula Allah warahmatullahi wabarakaatuhu); Bw'agamba nti: (Ashihadu annaka RasuuluAllahi haqqan, wa annaka qadi ballaghita Al-risaalata wa addaital amaanata wa jahadta fi Llahi haqqa jihadih wa naswahtal-ummata,fajazaakAllahu an ummatika af-dhwala maa jazaa Nabiyyan an ummatihi) tekirina buzibu

- Olwo n'akyuka katono ku ddyo n'atoolera Abu Bakr Al-Siddiq, Katonda amusiime salaamu.

- Era oluvannyuma n'adda ku ddyo katono n'atoolera Omar bun Al-Khatwabi salaamu, Era yali mutabanyi wa Umaru Katonda amusiime nga bw'atoolera omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye salaamu ne ba swahaaba be ababiri salaamu tayongera ko ku bigambo bye ebigamba nti: (Assalaamu alaika yaa Rasuula Allah, Assalaamu alaika yaa Abaa Bakri, Assalaamu alaika yaa Abataah) oluvannyuma n'agenda.

- Tekigwana kuyitiriza kuyimirira oba okusaba ng'oli kuntaana y'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye n'entaana za baswahaaba be ababiri,kuba Imaamu Maaliki yakitamwa n'agamba: Ekyo kizuule (mu ddiini) Abalongoofu tebaakikola, era teri kisobola kutereeza kibiina kino okuggyako eky'atereeza ekyasooka.

- Wabula bye bakola abamu ku balambuzi, mukusitula eddoboozi ku ntaana ye okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, n'okuyitiriza okujiyimirirako, kyo kiyawukana ku kyalalikibwa; Allah yagamba:

(يـا أيهـا الذين آمنوا لا ترفـعوا أصواتكم فوق صوت النبي ولا تجهروا لـه بالقول كجهر بـعضكم لبـعض أن تحبط أعمـالكم وأنتم لا تشـعرون ، إن الذين يـغضون أصواتـهم عند رسول الله أولئك الذين امتحن الله قلوبهم للتقوى لـهم مغفرة وأجر عظيم)

(Abange mmwe abakkiriza temusitulanga amaloboozi ga mmwe waggulu w'eddoboozi lya Nnabbi, era temumwatuliranga ebigambo nga abamu mu mmwe bwe batuulira bannabwe, emirimu gya mmwe gireme kwononeka nga temugenderedde.

Mazima abo abakkakkanya amaloboozi gaabwe awali Omubaka wa Katonda abo be bo Katonda beyatukuza emitima gyabwe ku lw'okumutya. Balina bo okusonyiyibwa n'empeera ennene) [Al-Hujuraat:2-3]

Kubanga okuyimirira ebbanga eddene ku ntaana ye, Okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, n'okuyitiriza okuddiŋŋana okumutoolera salaamu kiviirako omujjuzo, n'okusitula amaloboozi ku ntaana ye, okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, era ekyo kikontana n'ekyo Katonda kye yalaalika ku basiraamu mu Aaya zino eziramula, era ye, aweebwa ekitiibwa nga mulamu oba mufu, kale omukkiriza talina kukola kintu kyonna ku ntaana ye ekikontana n'empisa z'Obusiraamu.

- N'ekyo kyebakola abalambuzi abamu n'abalala okusabira ku ntaana ye nga bagyolekedde era nga basitudde emikono gya bwe, ebyo byonna byawukana n'ekyo kyebaaliko Abalongoofu mu ba swahaaba ba Nabbi n'abagoberezi baabwe, ate nga kyo kiri mu bizuule.

- N'ekyo kyebakola abalambuzi abamu nga bamutoolera salaamu, eky'okuteeka emikono gyabwe egya ddyo ku gyakkono kubifuba oba wansi wa kyo nga omusaaze bwabeera, tekikkirizibwa nga otoolera omubaka Salaamu olwokubanga yo mbeera ya kwetowaaza nakusinza ebitagwana okuggyako Katonda yekka, era nga bwe yakyogera Al-haafidhu Ibun Hajari mukitabo «Al-fatih anil-olamaa».

- Era tekikkirizibwa muntu yenna kusembera eri Katonda na kusiimuula ku kisenge oba okukyetooloola, n'okusaba omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye okumumalira ekyetaago, oba okuwonya omulwadde we kubanga ebyo byonna tebisabibwa okuggyako Katonda yekka.

9 Kirungi eri oyo alambula ekibuga Madiina nga akyali yo **(mu Madiina)** okulambula masjidi qubaa n'okugusaaliramu; kubanga Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye yali ajja gyeguli nga yebagadde oba nga atambula n'agusaaliramu eraaka bbiri, Sahal mutabanyi wa Hunaif yagamba nti: Yagamba omubaka wa Katonda okusaasira n'emirembe bibeere kuyye: **(Oyo yenna eyetukuza nga akyali waka we najja eri masjidi qubaa n'agusaaliramu esswala afuna empeera ng'akoze umrah)**.



10 Era kiri sunna eri abasajja okulambula limbo y'eMadiina, n'entaana z'abajulizi, n'entaana ya Hamzah Katonda amusiime ; Kubanga Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye yali abalambula n'abasabira, n'olwa hadiithi ye okusaasira n'emirembe bibeere kuyye: (Nali mbagaanye okulambula entaana, kale muzirambule, kubanga zibajjukiza enkomerero.) Era bw'abalambula agamba nga bw'agamba nga alambudde entaana endala: (Assalaamu alaikum ahla ddiyaari minal mu'minuuna wal-muslimiina wa-innaa insha Allahu bikum laahiquuna wa yarham Allahu al-mustaqdimiina wal-musta'khiriina , nas-alu Allaha lanaa walakumul-aafiya).



11. Tewali kubuusabuusa nti ekigendererwa ky’okulambula entaana kwe kujjukira obulamu bw’oluvannyuma lw’okufa, n'okulongoosa eri abafu nga tubasabira, n’okugoberera Sunnah ya Nabbi, okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, era kuno kwe kulambula okutuufu.

12. Wabula okubalambula olw'ekigendererwa ky'okusabira ku ntaana zaabwe, oba okusaba Allah nga oyitira mu bbo, n'ebirala ebili ng'ebyo, okwo kuba kulambula okuzuule era kubi Katonda teyakulaarika yadde omubaka we okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, yadde Abalongoofu abakulembera tebaakikola, ate okubasaba okumala ebyetaago, oba okuwonya abalwadde, n'ebiri nga ebyo bili mukugatta ku Katonda okunene.



**Era nkwewaza owange ggwe omusomi hadiithi enjigirire mu mulyango guno ozitegeere oleme kweyibaala nazo:**

**Esooka:** (Oyo yenna akola Hijja n'atannambula aba ansuuliridde).

**Ey'okubiri:** (Oyo yenna annambula oluvannyuma lw'okufa kwange aba nga annambudde mu bulamu bwange).

**Ey'okusatu:** (Oyo yenna annambula, n'alambula kitange Ibrahiim mu mwaka ogumu alina galanti ewa Allah y'okuyingira ejjana).

**Ey'okuna:** (Oyo yenna alambula entaana yange okuwolereza kwange kuba kukakafu gy'ali).

Hadiithi zino n'ezizifaanana tezaawulirwa ku Mubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, Al-haafidhu Al-Uqailiyy yagamba nti: Mu mulyango guno temuliimu hadiithi ntuufu yonna. N'agamba Al-haafidhu Ibun Hajari mukitabo “Attalkhiis”-oluvannyuma lw'okwogera enjogera za hadiithi zino ezisinga - Amakubo ga hadiithi zino zonna manafu. Tekiri mu sunna za Hijja oba Umrah oba okubijjuuliriza (Hijja oba Umrah) Okulambula entaana ya Nabbi (okusaasira n'emirembe bibeere ku yye) nga tonnakola hajji oba umrah oba oluvanyuma lw'okukola by'ombiriri; kubanga okulambuula omuzikiti gwa Nabbi kikubirizibwa, naye Haaji oba oyo ali mu Umrah bwa tagulambula tafuna musango, era okugulambula tekirina kakwate na Hijja oba Umrah wabula zo Ibaada (kusinza) zanjawulo. Era oyo yenna ali mumikolo gya Hijja oba egya umrah tekimukakatako kulambula Muzikiti gwa Nnabbi , N'oyo alambula omuzikiti gwa Nnabbi tekimukakatako kukola Hijja oba Umrah, naye bw'aba agasse Hijja, Umrah n'okulambula omuzikiti gwa Nnabbi mu lugendo lumu ekyo tekirina buzibu.

## Ebitagwana ( ebyawukana) namateeka g'okulambula omuzigiti gwa Nabbi:

1. Okukwata ku bisenge ne kubyuma nga we weesiimuula mu kulambula entaana y'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye, n'okusiba obuwuzi mumadinisa ng'onoonya mikisa.

 Ate nga emikisa gibeera mw'ebyo Katonda n'omubaka we okusaasira n'emirembe bibeere kuyye bye baalagira so simubizuule.

2. Okugenda mumpuku z'olusozi uhudu nga gaari hiraa ne gaari thauri ey'eMakkah n'okusibilayo obugoyegoye n'okusabilayo edduwa Katonda z'atakkiriza n'okugumira obukaluubirivu obukirimu.

**Ebyo byonna bizuule tebirina nsibuko mu mateeka amatukuvu.**



3. Okulambula ebifo ebirala bye balowooza nti bili mu buwufu bwa Nnabbi okusaasira n'emirembe bibeere kuyye nga “Mabraku nnaaqah", ne "bi'rul-khatim" ne "bi'ru uthman " n'okujja ettaka mu bifo ebyo ng'onoonya mikisa.

4. Okusaba abafu mukulambula limbo y'eMadiina n'entaana z'abajulizi be uhudi n'okuzikasukako esente olw'okusembera n'okufuna emikisa ku bannyini zo.

Era zino z'ezimu ku nsobi ennene, ate ziri mu kugatta ku Katonda okunene nga abamanyi bwe ba kyogera nga bajja obujulizi mu kitabo kya Katonda ne hadiithi z'omubaka okusaasira n'emirembe bibeere kuyye; kubanga okusinza kwa Katonda yekka tekikkirizibwa kunsinza kitali yye gamba ng'okusaba, okusala okweyama n'ebirala olw'ekigambo kye:

(وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ)

(Tebaalagirwa wabula kunsinza Katonda nga bamutukuza eddiini kululwe) [Al-bayyina:٥].

Ne Katonda y'asinga okumanya, n'okusaasira n'emirembe bibeere ku Nnabbi waffe Muhammadi ne kubantu be ne ku baswahaaba be bonna.



# تعرف على الإسلام

# بأكثر من 100 لغة

موسوعة القرآن الكريم
QuranEnc.com

ترجمات متقنة لمعاني القرآن الكريم بأكثر من (75) لغة

بيان الإسلام
byenah.com

مواد منتقاة للتعريف بالإسلام وتعليمه بأكثر من (120) لغة

موسوعة الأحاديث النبوية
HadeethEnc.com

ترجمات متقنة للأحاديث النبوية وشروحها بأكثر من (60) لغة

ضيوف الرحمن
hajjumrh.com

مواد منتقاة للحجـــاج والمعتمرين و الزوار بلغات العالم

جامع المحتوى الإسلامي باللغات
islamcontent.com

مواد إسلامية متنوعة وشاملة بأكثر من (125) لغة

موسوعات وخدمات إسلامية باللغات
s.islamenc.com

للمزيد
من المواقع الإسلامية
بلغـــات العـــالم

جمعية خدمة المحتوى الإسلامي باللغـات

ضيوف الرحمن
hajjumrh.com